

# D.O.W.B.I

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

# CERTIFICATE

IN MINISTRY



**EBIKOLWA EBY'OKUKKIRIZA  
EBY'ENDAGAANO EMPYA**

Name/Erinnya \_\_\_\_\_

Located/  
Tusangibwa

\* Kirumira Towers 6th Floor [City Campus]

\* Makerere, Mukubira Zone near MBI Off Sir Apollo Kagga Rd.

# KAMPALA BIBLE REVELATION CHURCH

DOERS OF THE WORD BIBLE INSTITUTE

KIRUMIRA TOWERS 6TH FLOOR [CITY CAMPUS]

COURSE OUTLINE (3 HOURS)

---

## EBIKOLWA EBY'OKUKKIRIZA EBY'ENDAGAANO EMPYA



### > OKUNNYONYOLA:

Ebikolwa eby'okukkiriza eby'endagaano empya bye bintu byetukola nga tumaze okukkiriza Katonda kyagamba mu kigambo kye. Ebikolwa bino birung'amizibwa era bikkiriziganya wamu ne kigambo kya Katonda. Ebikolwa bino bigulumiza Yesu.

## 1. EBIKOLWA BY'AMAFUTA AG'OKUFUKIBWA KO:

**Okunnyonyola:** Amafuta ky'ekikozesebwa eky'enjawulo. Kitambulira ko amaanyi ag'Omwoyo wa Katonda

### >> AMAFUTA AG'OKUFUKIBWA KO GA BAIBULI:

- **Okuva 30: 23** – ga kozesebwa nga okutukuza buli kye ga kwatangako.
- **1 Samwiri 16:13** – Daudi bwe yafukibwa ko amafuta yali Mwoyo wa Katonda ye yamukka ko so si mafuta ag'amufukibwako.
- **Makko 6:12-13** – Yesu bwe yatuma abayigirizwa be okubuulira enjiri, basiiga amafuta ne bawonya bangi.
- **Yakobo 5:14** – ekanisa eyasooka yalagirwa okukozesa amafuta ku ndwadde zonna

## >> **OKUKOLA KW'AMAFUTA:**

- Galeeta okufuga: Ba kabaka ba Isirayiri bafukibwangako amafuta nga bagenda okufuga 1 Samwiri 10:1; 16:13
- Gakyuusa obulamu bw'abantu. Ofuna akabonero ak'ekitiibwa. 1 Samwiri 10:1
- Galeeta okuganja: Saulo bamulamusa nebamuwa n'ebirabo. 1 Samwiri 10:4
- Gakufuula omuntu omulala: 1 Samwiri 10:6
- Gakomyawo ekyo ekibuze: 1 Samwiri 10:2
- Gakola ebyewuunyo n'ebyamagero era gakomya okulemesebwa kwonna: 1 Samwiri 10:7
- Galeeta amaanyi ga Katonda agawonya: Makko 6:13 ne Yakobo 5:14
- Gatukuza ebintu ne biba bitukuvu: Okuva 30:26-27

*N.B. Byonna waggulu biri lwa kukkiriza mu linnya lya Yesu.*

## **2. EKIKOLWA EKY'OKUNAABA EBIGERE:**

Buli kitundu kya mibiri gyaffe kikulu nnyo eri Katonda. Emikono gyaffe giteekebwa ku balwadde ne bawona, ebigere byaffe by'ebitwaala ebintu. Ebikolwa 4:37

## >> **EKY'OKULABIRAKO KYA YESU EKY'OKUNAAZA EBIGERE:**

### **Yokaana 13:1**

- Yesu yali anatera okukomererwa. Yali asumulula ebisinga obulungi eri be yayagala okutuusa ku nkomerero.
- Yesu yayigiriza ku bwetowaaze awalala: Matayo 11:28 – 29; 18:1 – 5; 23:11 – 12

- Okugaana kwa Petero okumunaaza kwaleetera Yesu okumutiisa nti bajja kwawukana naye. Petero yali alwooza nti Yesu yali anaaza ebigere byaabwe ng'omuddu. Teri muddu ayinza okutiisatisa bwatyo.
- Nga amaze okuzuukira n'okulinnya mu ggulu, abayigirizwa baweebwa ebintu bingi ku bigere byabwe. Ebikolwa 4:33-37
- Yesu yawa abayigirizwa be amaanyi okulinyanya ku Setani n'ebigere byabwe. Luka 10:19

### >> **OBUNNABBI BW'EBIGERE:**

- Ebigere byaffe bisimbibwa ne binywezebwa: Zabbuli 31:8; Zabbuli 40:2
- Ebigere byaffe byanguwa okusinga abalabe baffe: Oluberyeberye 49:21; Abaebbulaniya 3:19
- Ebigere byaffe bitwaala amawulire amalungi: Isaya 52:7; Abaefeso 6:15

## **3. EKIKOLWA EKY'OMUNAGIRO:**

Omunagiro kye kyambalo, oba ekintu kyonna omusajja oba omukazi wa Katonda kyaba akutteko nga kiri mu mukono gw'omuddu we. Kiba nkwaso n'amafuta ga Katonda. Amafuta ga Katonda gatambulira ku bintu ne ku bantu

### >> **EBY'OKULABIRAKO MU BAIBULI:**

- Amafuta agali ku Eriya gakka ku Erisa: 2 Bassekabaka 2:9-15

- Amagumba g'Erisa gazzaamu omufu obulamu: 2 Bassekabaka 13:20-21
- Omukazi ow'ekikulukuto ky'omusaayi yakwata ku lugoye lwa Yesu mu kukkiriza nawona: Makko 5:25; Matayo 14:36
- Obutambaala bw'Omutume Paulo bwawonya abalwadde: Ebikolwa 19:11

#### **4. EKIKOLWA KY'OKUMENYA OMUGATI N'ENVINNYO:**

Kino kwe kunywa omusayi n'okulya omubiri gwa Yesu nga okozesa omugati n'envinnyo oba ebintu ebirala byonna. Matayo 26:26; Makko 14:22; Luka 22:19; 1Abakkolinso 11:24.

Omubiri n'omusayi ebya Yesu bintu bya kulya ddala. Yokaana 6:55

#### **>>OKUTEGERA OMUBIRI GWA YESU:**

- Okuyita mu mubiri gwa Yesu twatabaganyizibwa ne Katonda: Abaefeso 2:14 Abakkolosayi 1:21
- Okuyita mu mubiri gwa Yesu Setani yazikirizibwa: Abaebbulaniya 2:14; Abakkolosayi 2:14
- Okuyita mu mubiri gwa Yesu, ebibi n'endwadde zaffe zonna za twalibwa ku musalaba: Matayo 8:17; 1Petero 2:24; Isaya 53:5



## >> **OKUTEGEERA OMUSAYI GWA YESU:**

- Omusayi gulimu obulamu bwa Katonda: Yokaana 6:47
- Omusayi gwa Yesu gwatunaaza ebibi n'ebyonoono byonna: Abaebbulaniya 9:22
- Omusayi gwa Yesu gwe gwagula e kanisa ya Yesu: Ebikolwa 20:28
- Omusayi gwa Yesu gwe gwassa envumbo ku ndagaano empya: Matayo 26:26; Abaebbulaniya 8:6
- Omusayi gwa Yesu kye ky'okulwanyisa eky'amaanyi ekiwangula Setani: Okubikkulirwa 12:11

## **5. OMUSAYI OGW'OKUMANSIRA:**

1. Guli kabonero ak'okumansira ak'omwoyo: 1Petero 1:2. Tuyitibwa abalonde ba Mukama kubanga twamansirwa omusayi gwa Yesu Kristo.
2. Omusayi ogw'okumansira gwe gwassa envumbo ku ndagaano empya Yesu gyali omutabaganya waayo. Abaebbulaniya 9:19.
3. Kye kikulwa eky'okukkiriza ekiraga nti Katonda abisse ku baana be. Abaebbulaniya 11:28.
4. Kye kikulwa ekisumulula omusayi gwa Yesu okwogera ebirungi gyendi mu bulamu bwange. Abaebbulaniya 12:24-25





Lined writing area with horizontal lines and three large rounded rectangular boxes for text entry.









Lined writing area consisting of 25 horizontal lines for text entry.







Handwriting practice lines consisting of multiple horizontal lines across the page.





Lined writing area consisting of 20 horizontal lines. The page contains faint, large, light-gray watermark text that reads "D.O.W.B.I" and "CERTIFICATE IN MINISTRY" arranged in a grid-like pattern.





A series of horizontal lines for writing, organized into three main sections. The first section at the top has two lines. The second section in the middle has five lines. The third section at the bottom has ten lines. Each section is preceded by a faint watermark of a traditional Indian lamp (diya).

